

**335/2
LUGANDA
Paper 2**

2½ hrs

STANDARD HIGH SCHOOL ZZANA

**Uganda Certificate of Education
EBIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU EBY'AWAMU
LUGANDA**

(Okusoma bwino, eby'obuwangwa ne Litulica)

Olupapula olwokubiri

Essaawa bbiri n'ekitundu (2½)

EBIGOBERERWA:

Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu: A ,B ne C.

*Ddamu ebibuuzo **bitaano (5)** awamu.*

*Ddamu ebibuuzo **byonna** mu kitundu **A ne B.***

*Mu kitundu **C**, ddamu ebibuuzo **bisatu (3) byokka.***

Bikkula

EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuzzo ku nkomerero yaakyo.

Tosobola kuwandiika byafaayo by'Obusinga bwa Rwenzururu n'obituusa nga tokozesezza ku bigambo; okuguguba, obuyeekera, okuyiwa omusaayi n'ettemu.

Obusinga bwa Rwenzururu, bwe bufuzi obw'ennono obw'ekitundu eky'omu nsozi ze Rwenzori ekigatta disitulikiti y'e Kasese, Bundibugyo ne Ntoroko. Kino ky'ekitundu ekisangibwa mu bugwanjuba bwa Uganda ku nsalo ne Democratic Republic of Congo nga kirina abantu abasukka mu bukadde bubiri.

Abantu abali mu kitundu kino, kuliko; Abakonjo, nga be basing obungi (basoba mu kakadde kamu) Abamba, Batuku, Banyabindi, Basongora, Banyangwaki, Basumba, Abatwa n'abalala.

Ebyafaayo bya Rwenzururu bisimbulizibwa mu myaka gya 1750 okusinziira ku kunoonyereza okuyitibwa "Bakonzo Life History Research Society" okwakolebwa omungereza Tom Stacey.

Okunoonyereza kwa Tom Stacey kulaga nti mu myaka gya wakati wa 1750 okutuukira ddala mu 1870, Obukama bwa Bunyoro – Kitara bwakolanga obulumbaganyi olutatadde ku Bakonjo n'Abamba n'ekigendererwa ekyokwezza ekitundu kyabwe.

Obulumbaganyi bw'Abanyoro ku Bakonjo n'Abamba bwasinga kunyinyittira mu bukulembeze bw'Omukama; Kyebambe Musinga Nyamutukura, Nyabwongo II Mugenyi ne Olimi Rwakubale wakati wa 1750 ne 1852.

Ebyafaayo biraga nti Abakonjo wadde tebaasooka kubeera na bukulembeze bwetongodde wabula baasobola okwerwanako olw'obukugu bwe baalina mu kulwanira mu nsozi.

Waliwo abasajja Abakonjo abalwanyi nnamige aboogerwako mu byafaayo; Kighogho ne Pukupuku nti bano n'okutuusa kati Abanyoro bagugumuka bwe bawulira amannya gaabwe olw'engeri gye battamu abalwanyi baabwe.

Ebyafaayo era biraga nti wakati wa 1820 ne 1870, Bunyoro yakola ennumba ku Bakonjo n'Abamba nga baduumirwa abakulembeze baabwe okwali; Ruhandika, Kulikura, Busongera Bwa Ntule, Ghome – Ghome, Rubina, Kakuri ne Kithengera ku nfunda ez'enjawulo naye era ne balemwa.

Kino ky'ekiseera n'Abawalabu okuva e Zanzibar lwe baakolanga ennumba okukwata abantu ab'okutunda mu buddu era baagezaako okulumba Abakonjo n'Abamba kyokka nabo baalwanyisa.

Olw'obulumbaganyi obutatadde obwabakolebwako Abanyoro n'Abawalabu, Abakonjo nga baduumirwa Kisoro Kya Ghome – Ghome beekolamu eggye okwerinda obulumbaganyi bwonna.

Omolangira Kaboyo ow'e Bunyoro bwe yeesuulamu jjulume n'ayagala okuwamba kitaawe Omukama Kyebambe Nyamutukuru mu 1830; yalwanyisibwa abalwanyi ba kitaawe n'awangulwa n'addukira mu nsozi z'e Rwenzori, Abakonjo ne bamuwa obubudamu, ekintu ekyanyiiza kitaawe.

Omukama Kyebambe yamuyungulira abalwanyi be abakambwe abayitibwa Abarusura ne balumba Rwenzori ne batta Abakonjo n'Abamba bangi.

Abalwanyi bano Abarusura baasuula emisanvu e Ibonde nga buli Mukonjo n'Omwamba gwe bakwatako engalo, bamusuula mu nnyanja Kaitabarogo. Bino byaliwo wakati wa 1852 ne 1867.

Wakati wa 1870 ne 1899 mu bukulembeze bw'Omukama Chwa Kabalega, Abatoro, Abamba n'Abakonjo baali ku yoleke olw'ebikwekweto Abanyoro bye baakolanga mu nsozi za Rwenzori nga bayigga Omulangira Kasagama.

Abatooro, Abakonjo n'Abamba beekolamu eggye ne balemesa Abanyoro era baayamba Kasagama okutoloka n'addukira mu Buganda ng'ayita mu Ankole natuuka e Kampalamukadde n'asisinkana Captain Lugard.

Olugendo lwa Kasagama okuva mu Rwenzori okuyita mu Ankole okutuuka mu Buganda, yali akuumibwa abalwanyi ba Ruhandika, eyali Omukulembeze w'Abakonjo.

Mu 1889, omulambuzi H.M. Stanley yatuuka ku nsozi z'e Rwenzori ne yeewuunya okusanga ensozi ezikwatiriridde omuzira ku ntikko n'asalawo Rwenzori okugituum "Mountain of the moon."

Kasagama ng'ayambibwako Captain Lugard yava mu Buganda mu 1890 n'addayo mu Rwenzori ne yeerangirira ng'omukulembeze w'ekitundu kino ekyali kitwala ensozi z'e Rwenzori n'enyanja Katwe.

Wakati wa 1890 ne 1918, Abakonjo n'Abamba beekemba ne balwanyisa Abanyoro ne bagattako n'Obugabe bwa Toro nga bagenderera okwetongola mu kitundu kyabwe eky'e Rwenzori.

Abangereza baawaliriza Abakonjo, Abamba n'Abasongora okugondera Kasagama ng'omukulembeze waabwe ne bamuwa obukuumi n'obuyinza ku masanga n'omunyyo ogwasimwanga mu nnyanja Katwe.

Ebbanga eryo, Omukama wa Bunyoro yali tannaweera mu nteekateeka ze ez'okukwata mutabani we Kasagama attibwe. Nga June 26 / 1900, Abangereza abafuzi b'amatwale baalangirira mu butongole nti ekitundu kya Rwenzori kyali wansi w'obukulembeze bwa Toro, era Abakonjo n'Abamba baalina okubeera abawulize eri Toro.

Mu 1902, Kasagama yagezaako okuwaliriza Abakonjo n'Abamba okusasula omusolo kyokka ne baguguba nga bamubuuza wa gy'aggya obuyinza okubasaba omusolo mu kitundu kyabwe ng'obufuzi bwa Kasagama babuyita "Ngoma Njungu", ekitegeeza nti bwa Bazungu.

Olwo obwanga ne babukyusiza Abazungu abaali babakakaatikako okubeera wansi wa Toro sso nga baalina obuwangwa, olulimi n'ennono.

(*Kisimbuddwa mu Bukedde, Lwamukaaga December 3, 2016 nga kikyusiddwamu*)

Ebibuuzzo:

- (a) Bantu ki abasangibwa mu kitundu kya Rwenzururu? (Obubonero 04)
- (b) Ani yakola okunoonyereza ku byafaayo bya Rwenzururu? (Obubonero 02)

- (c) Lwaki obukama bwa Bunyoro – Kitala bwakolanga obulumbaganyi ku Bakonjo n’Abamba? *(Obubonero 02)*
- (d) Abasajja bano Kighogho ne Pukupuku omuwansiisi aboogerako ki? *(Obubonero 02)*
- (e) Ki ekyaleetera Abamba n’Abakinjo okubeera ku yoleke ku mulembe gwa Chwa Kabalega? *(Obubonero 02)*
- (f) Nsonga ki enku lu eyaleetera H.M. Stanley okutuumma Rwenzori “Mountain of the moon”? *(Obubunero 02)*
- (g) “Ngoma Njungu” Ekigambo ekyo kyategeezanga ki okusinziira ku Bakonjo n’Abamba? *(Obubunero 02)*
- (h) Nyonnyola amakulu g’ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu kino. *(Obubunero 02)*
 - okuguguba
 - emisanvu

*Mu bibuuzo ebiddako (*i, j, k, ne l*) londako ekyokuddamu ekisingako obutuufu ku bikuweereddwa .* *(Obubonero 04)*

- (i) Bano wammanga beekolamu omulimu ne bayamba Kasagama okutoloka n’addukira e Kampala.
- (i) Abatoro, Abakonjo, n’Abamba.
 - (ii) Abamba, Abatuku, n’Abakonjo.
 - (iii) Abasongola, Abatoro n’Abasumba.
 - (iv) Abakonjo, Abanyagwaki n’Abanyabindi.
- (j) Kasagama okutoloka n’atuuka e Kampala mukadde yali akuumibwa abalwanyi ba?
- (i) Abarusula.
 - (ii) Ruhandika.
 - (iii) H.M. Stanley.
 - (iv) Captain Lugard.
- (k) Bantu ki abaawaliriza Abakonjo, Abamba n’Abasongola okugondera Kasagama ng’omukulembeze waabwe?
- (i) H.M. Stanley.
 - (ii) Captain Lugard.

- (iii) Abangereza.
 - (iv) Kasagama yennyini.
- (l) Ani yayamba Kasagama okuva mu Buganda okuddayo e Rwenzori amale afuuke omukulembeze?
- (i) Abarusula.
 - (ii) Abakonjo n'Abamba.
 - (iii) H.M. Stanley.
 - (iv) Captain Lugard.

EKITUNDU B

Kola nnamba 2. (a) ne 2. (b).

2. (a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. *(Obubonero 10)*
- (i) Obutamera kirevu njuba ya kikome
 - (ii) Obwannyinoomu si Luganda
 - (iii) Lubaale agoba nsonga
 - (iv) Agafuma bagabejjereza taba;
 - (v) “Agenda y’alaba
 - (vi)tekimumalaako nte ze.
 - (vii)eramira wa mukisa.
 - (viii)ye kojja w’abakodo.
 - (ix)afiira mu ddya.
 - (x)giwaatula ne giggumiza.
- (b) Nyonnyola amakulu g’engero zino agoomunda? *(Obubonero 05)*
- (i) Abalirira ekigula enkumbi tawa munne ssooli ddene.
 - (ii) Addiŋŋana ekitiko y’akiggya.
 - (iii) Abantu balamu magoma gavugira aliwo.
 - (iv) Akasuka lyali nalyo taba muti.
 - (v) Linda buwere yawanguza Buvuma.

EKITUNDU C

Ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo akamu ku bwo nga ka bitontome.

Toddamu kibuuzo kisukka kimu ku buli katabo.

W. KIYINGI: Gw'osussa Emmwanyi

Kola nnamba 3. (a) oba 3. (b)

3. (a) Tewali kubuuusabuusa kwonna, omuzannyo gwa Kiyingi yaguwandiikira mu Buganda. Kakasa endowooza eno n'ebyokulabirako. *(Obubonero 20)*

Oba

- (b) “.....Pawulo guluwa?ηηamba, Aidah Katonda yamuzzaako musango ki?
- (i) Ani ayogera ebigambo ebyo? *(Obubonero 02)*
 - (ii) Wa ensonga ezireetera omwogezi oyo okusaasira Aidah. *(Obubonero 06)*
 - (iii) Mu bufunze, nyonnyola ku nneeyisa y'omwogezi w'ebigambo ebyo. *(Obubonero 12)*

C. KALINDA: Pawulo Kirimuttu.

Kola nnamba 4. (a) oba 4. (b)

4. (a) “Woo! Pawulo weeranze ki baze wange? Wasunguwalidde ki okwetuga? Wandimbuuliddeko munnange.....”
- (i) Ani ayogera ebigambo ebyo? *(Obubonero 02)*
 - (ii) Nkolagana ki eyaliwo wakati w'omwogezi w'ebigambo ebyo ne Pawulo? *(Obubonero 02)*
 - (iii) Biki ebyaleetera enkolagana eyo okusaanawo? *(Obubonero 04)*
 - (iv) Nga weesigama ku lugero Pawulo Kirimuttu, laga omuntu eyeetuze engeri gyeyayisibwangamu. *(Obubonero 06)*
 - (v) Omwogezi w'ebigambo ebyo azimbiddwa atya? *(Obubonero 06)*

Oba

- (b) Nga weesigama ku lugero Pawulo Kirimuttu, nyonnyola ebintu eby'enjawulo ebyatuuka ku Pawulo era ne byeyakola olw'embeera y'ensi. (*Obubonero 20*)

ROBERT. G. MUKASA: Tokiiya ηηonge Nto

Kola nnamba 5. (a) oba 5. (b)

5. (a) "Tokiya ne banne (Batweyonoonekeradda) ddala baali nkerettanyi." Enjogera eno etuukira etya ku bantu bano mu lugero Tokiiya ηηonge Nto? (*Obubonero 20*)
- (b) Obukyayi n'obumenyi bw'amateeka y'ensibuko y'ebizibu ebituuka ku bantu mu lugero Tokiiya. Nyonnyola bulungi. (*Obubonero 20*)

F. MASAGAZI NE BANNE: Balya N'enseekeezi

Kola nnamba 6. (a) oba 6. (b)

6. (a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

MAAMA

Ebirungi tulina ntoko mu nsi muno
Kye sitenda ekibisingako ye maama
Okumyansa akira n'enjuba mu bulungi
Eyakubiika n'akuteekawo wa ttendo.

Mu lubuto okulungula mwenda gye myezi
Mukazi n'akikijjana ng'olyomwo.
Ssere mululuuza n'abinogayo mbu avumula
Wabe mpaawo kukutuukako ggw'ebbjje.

Vvumbe ne limuwunyira
Magulu ne gamuteganya ng'asinda.
Kamunguluze lukonvuba birogologo
Naye era afuba n'aguma takuvaako.

Ng'otuuse bisa bimutema kkumi olwo miranga
Akatuuyo ne kamuzinda ng'azaala
N'abaafa n'abayitayo ng'ogaanye
Omusawo n'amudaagira ng'ozaalwa.

Lutalo luba lwa ndasi
Okuzaala kuba kwa nkalu
Bamaama basalwa mbuto
Olw'eKaganga balulembako
Abandi bayitirayo
Omulala atungwa na mpiso
Abagumu baluyitako.

Sanyu lye liyitirira bw'ozalwa
N'abaliwo bongera kuli nti "Luwoneko"
N'ebirabo ebimukulisa byonn'okwo
Luba lutalo lw'alinnyeeko okuzaala

Akuliisa n'awembejjerera ku bbeere
Mu kiro azuukuka lunye ng'akaaba
N'emisana n'akuweekako ng'okekema
Emirimu n'ogirinnyamu lwa kyejo.

Ategana n'asitunkana ng'atawuka
Alabirira okukukuza ofuuk'ekyo
Ky'oli kati ekikutambuza ng'okumba
Yii okwagala kwe kwayitirira kwa maanyi
Lw'olwala ne gumutyemuka bw'osinda
Budde ne bumukeerera ng'okaaba
Ddagala n'alimalayo ng'asomba
Bw'owona n'asagambiza ng'ajaganya.

Okwagala kwe okugeza ku ki kunsi kuno?
Mazzi ag'ekiyiiriro eky'e Jjinja?
Lwazi ggulugulu mu kiwonvu?
Lusozi gambahala oluwanvu?
Naye owa kubisingako byonna ebyo!

Bwosuumuka n'abuulirira, ng'aluŋŋanya
Magezi mpisa n'obuvumu, ng'agunjula
Buntubulamu n'okukola, ng'akuutira
Byokulabirako n'abikuwa, ng'alambika
Lwe bisobye oluga n'alutema, ng'aduumira
Nsobi z'okoze n'agolola, ng'alungiya
Bw'obulwa ky'oyize eky'ekikulu ng'asaalirwa
Maanyi mu by'alina eby'okukuwa ng'ayongera.

Okusasula ebbanja tekiyinzika
N'okuliwa bye yakola olwo lugero
Ekisingako obukulu kwe kuwlira

N'okugondera ebikulu byakusaanyiza
 Ne mu bukadde bwe baaba mujune ssebo
 Kaba katondo mu nnyanja ku bbanja ly'olina.
 Kumwerabira kisobyo kitasoniyika
 N'okumwewala musango ogwa nnaggomola
 Kuba ye y'asiga obusigo obw'ekyo ky'olina.

Ebibuuzo:

- (i) Ekitontome kino kisengekedwa kitya? (Obubonero 05)
- (ii) Obuyiiya bw'abatontomi bweylese butya mu kitontome? (Obubonero 05)
- (iii) Okuzaala si kuzannya! Nyonnyola ng'okkaanya n'ensonga ezikooneddwako mu kitontome. (Obubonero 05)
- (iv) Ntanda ki omutontomi gyasibirira abazaaliddwa? (Obubonero 03)
- (v) Ekitontome kino kikussa mu mbeera ki? (Obubonero 02)

Oba

- (b) Abawandiisi ba Balya N'enseekeezi beekenneensa nnyo obunnanfuusi bw'abantu nga bayita mu bitontome byabwe. Nyonnyola nga weesigama ku kitabo kyabwe olage obutuufu bwa kino. (Obubonero 20)

PHOEBE MUKASA: Jjangu tutontome.

Kola nnamba 7. (a) oba 7. (b)

7. (a) Soma ekitontome kino n'olvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

OBUGGYA

Obuggyga, obuggyga, kintu kya mutawaana,
 Buleeta ennyiike, buleeta okwetamwa,
 Obuggyga bwa kabi, obuggyga bwa ttima.
 Bwonoonye ensi eno!

Obuggyga, obuggyga, kintu kya ttagali nnyo,
 Buleeta obutemu, buleeta obukyayi,
 Obuggyga bwa mize, obuggyga bwa ffutwa,
 Bwonoonye ensi eno!

Obuggyga, obuggyga, kintu kya nnyiike nnyo,
 Buleeta entondo, buleeta emineene,
 Obuggyga bwa ddogo, bwa ffubitizi,
 Bwonoonye ensi eno!

Obuggyga, obuggyga, kintu kya bwowe nnyo,
Buleeta ekkonda, bukwasa ekiniga,
Obuggyga bwa ntoozo, bwa mutawaana,
Bwonoonye ensi eno!

Obuggyga, obuggyga, kintu kitabangula,
Buleeta empiiga, bwa muwakanya,
Obuggyga bwa bbuba, bwa kukiiniza
Bwonoonye ensi eno!

Obuggyga, obuggyga, kintu kinakuwaza,
Buleeta ennyombo, buleeta okuduuluka,
obuggyga bwa ndasi, buwalanyisa,
Bwonoonye ensi eno!

Obuggyga, obuggyga, kintu kyesisiwaza,
Buleeta akajanja, buleeta endwadde,
Obuggyga, buzibu, buvaamu n'entalo,
Bwonoonye ensi eno!

Ebibuuzo:

- (i) Ekitontome kino kikuteeka mu mbeera ki? *(Obubonero 02)*
- (ii) Omutontomi alabika yeetamwa nnyo obuggyga! Lwaki kiri kityo?
(Obubonero 08)
- (iii) Omutegesi w'ekitontome kino yeeyambisizza bukugu ki
okukiyimirizaawo? *(Obubonero 08)*
- (iv) Omutontomi azimbye atya amaloboozi mu kitontome kye?
(Obubonero 02)

Oba

- (b) Ebyennyamiza bannayuganda Phoebe Mukasa abirambuludde atya mu kitabo
kye Jjangu Tutontome? *(Obubonero 20)*

